Young Ugandan in the diaspora
Posted by Biikolwa - 2007/10/10 22:44

It can be both an exciting yet very confusing time if not downright crazy. Its little wonder one does not develop a split personality in the youthful years of one's life when forced to live out two behavioural practices. It's not cool to talk with a heavy Ugandan accent cause you so want to fit in with the other black kids in the school or neighbourhood. So you immediately latch on to copy your peers - ending up sounding worse off - only at times, you are the only one to realise this. You start to quit speaking your mother tongue - epecially in the presence of your homies to loose the africaness. Next is the wardrobe transformation - times the two interlap. But still you gotta respect your parents the way it's done back where you originally come from. At least this is what it was back in the days before childline came to the fore. Now soon as your peers get hold of you, your brain will be a walking encyclopedia on childrens rights, your parents will start wondering if something was slipped you in the school dinners. Its a crazy time alright - you get so much freedom cause half the time you got the house to yourself and the TV/PC. See your parents are busy trying to earn a living - but what the heck, you just wanna be like the kids next door...

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora
Posted by ericmugisha07 - 2007/10/10 22:48

Let the kids be left to do what they think is right after all, ezenkana nkana nebisikki, tezaaka... Mumaso bwebaba balabye light, nga badayo ewa bazadde babwe nga betonda...

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora
Posted by Phad - 2007/10/11 01:11

---

ericmugisha07 wrote:

Let the kids be left to do what they think is right after all, ezenkana nkana nebisikki, tezaaka... Mumaso bwebaba balabye light, nga badayo ewa bazadde babwe nga betonda...

Oooh Dear!!!!

I am failing to spot an ounce of morality, and neither a pint of parental potency in the whole text there!

I honestly wouldnt wish to have you for a next door neighbour with that kind of mentality towards kids!!

How I wished I were given options and choices as a kid! But that was then.

And who can stand here and tell me kids ever make any wiser choices?

And by the way....Dont you think you are contradicting yourself by saying "Let the kids be left to do what they think is right after all, ezenkana nkana nebisikki, tezaaka... "

Banange nfa ekiziyiro.....

I feel like a poodle left in a gigantic bucket half filled with water,with a tight lid on top!

Anyone out there bold enough ready to save a soul?

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora
Posted by ericmugisha07 - 2007/10/11 01:45

Akaakyama amamela, bwokagolola kamenyeka bumenyesi. Nze nsubila nti omwana bwaba nga wakubeela muntu ategela munsi, Teyetaga nakubela awo nti omubulila nti alina okuwa abantu abakulu ekitibwa. Ago gegamu kumagezi omuntu gazalibwa nago. PHAD njagala ombulile. Kyogamba nti gwe singa Baba tebakugambye nti okutta kintu kibi, gwe

wandibadde otta??? I don't think so. Kale nze ndaba ekintu kyomwana,.... sigana bwolaba nga kyetagisa, oyinza okumubulilila naye nga nze ndabye abazadde banji nnyo. Bawoza abana babalemye songa bagezako okubabulilila. The child is told this but he/she does that.... that is why nakugambye nti ezenkana nkana nebisiki tezaaka. Omuzadde aba alaba nti ayamba, songa ayonona budde bwamwana kati awo ekivamu... omwana kuduka wakka. Naye nze ndaba omuntu alina okubela motivated okuva mumutima gwe. If a child is motivated, you don't even need to say anything. for those who are not motivated, they end up on the streets... Nebwokola otyaaaaaa togenda kukamula mazzi mujjinja!!!!!

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora

Posted by Biikolwa - 2007/10/11 12:06

Ericm – My understanding of sayings of the mother-tongue is still limited, so I will assume I am just not getting you correct. It would appear you share this take by Pink Flyod's lyrics a while back…but correct me if I'm wrong please.

We don't need no education

We don't need no thought control

No dark sarcasm in the classroom

Teachers leave the kids alone

Hey! Teachers! Leave the kids alone!

All in all it's just another brick in the wall.

All in all you're just another brick in the wall.

Perhaps we ought to look at addressing where discipline should start from and a framework of how one might perhaps opt to choose from in addressing specific concerns be them from the youth or the adults. It would be very helpful to hear from the youths themselves on what they think however...

A human child is not born independent – she/he learns from the behaviours of those around them, and sometimes a case of "do as I tell you" may not be enough to satisfy the 'sponge-brain'. If a parent or carer does not instil from an early age in a child to have the wisdom to make choices that he/she ought to be responsible to, then that individual will most definitely become vulnerable to external influences, which may or may not be positive ones. I think motivation comes with the confidence within oneself along with the environment one finds themselves in, which enables one to be receptive to learn and know how to handle the outcome of decisions made.

Most parents do their level best to ensure the foundations of their children are the best they can give, (in fact thats why some bring their kids across to the diaspora) albeit there are always exceptions to the rule. Not being clones but individuals some will still choose to follow their own leads no matter what, but what's important is for one to know they did the best they could, armed with the facts as they were at the time of their decisions.

Btw – I agree with you on the take on the respect thing – respect is not deserved but rather to be earned by all. If you respect yourself and others, chances are high you will be respected back genuinely without coercion no matter what your standing happens to be in society/community.

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora

Posted by Phad - 2007/10/11 16:05

Ok sir.

Now let's talk about kakyama mamera, perhaps you are forgetting it's the parents at fault here to kukyaama mamera.

• If a kid went into a habit of deceit and telling lies, from an early age on, and they went unchecked by the parent, tell me who will have watered this Kakyama Mamera plant to blossoming into a fully fledged City Con-man decades later? Ani atakimanyi nti obukumpanya buzaala obubbi?

• What of a kid who often brought toys and stuff home from wherever, and you as a parent never bothered enquiring about where he got them from, but instead you acted naive and as if it was okay, then finally he ended up a Thug…who will have groomed that habit?

• And whose blame would it be, if a shooting happened in your neighbourhood, and the assailant happens to be your beloved kid, you used to praise for having a hot temper, after hitting others?

Nze gye nakulira b'atugambanga nti Olugono luzaala Ettemu

• If a kid chose to get in and out of the house any time he/she deemed convenient and you as a parent saw as a fitting choice, then you are happily helping grooming OMUSEGE…..Say I am wrong and I'll shut up.

Guess what Eric…Kids don't run away from homes because of lack of motivation. Besides DOMESTIC VIOLENCE,which is a No.1 reason for kids fleeing their homes,IGNORING them is a major factor that forces them out of their homes.

Search for LOVE ,pity, mercy, attention,support and sometimes a decent meal that they lack in homes is all it is.

Now if you tell me it's Motivation, you need to do a lot better than that to convince readers here, otherwise your reasoning will seriously be doubted am afraid!

Ever heard of the Old Adage "Charity begins at home"? By failing to be a role-model parent, you are not failing just your kid and family,but the society as a whole.

Njagala okukubuuza a couple of personal questions ssebo…..

Do you happen to be a parent by any chance?

Do you live with kids around, oba obalengera ku mulirwaano

If any of those answers is a NO, then I rest my case, I would rather we live it at that.

Either way, I am striving so hard to believe and hope this is not a comment on impulse.

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora

Posted by ericmugisha07 - 2007/10/11 17:10

Phad Phad.... Let's be honest now. Ompadde example nti omwana bwaba ebintu byabanne..... katino kino kankikubulile. Sebbo Phad olinga ategeza nti gwe singa baaba tebakugambye nti okubba kintu kibi, then gwe obela olowoza kilungi???? Nedda sebbo. Katino kinno kankikubulile. Omwana bwazalibwa, nebwoba tomubulilidde, Ekintu kyabutonde Omwana abela asobola okukula nga muntu ategela ela nga affitinga mu society. Kaakibele kumanya bintu bili around Sakoo nga okukwata mumuliro.... Katino kino nkankikubulile. Nze ngezesa nyo ebintu. Omwana nina omu. Naye kinno njagala okukikutegeza, omwana ono silina bintu byakuwoza nti mubulilila naye simulaba ngamu muzze gwonna. Katino byoyogela bindagga nti toli mukwasi wabitabo. I want you to read books which ponder the meaning of life and you will find that ffe abantu tuli ku level yawagulu nnyo mukutegela. Example jensubila okuba nga ekulaga ekitufu eli emu. Phad Omuntu bwaba takugambye nti okubba kintu kibi oba nti okutta nakyo kikorwa kibi, oba nti okukuba abalala kibi, gwe obela tokilaba nti sikilunji okukikola? Katino kyenkugambye nti Omuntu endowoza ye yawagulunnyo. Omwana nebwoba tomugabye nti kino kibbi oba kino kilunji, abela naye asobola okukilaba. Kobele gwe phad. Singa obela okola ekintu ekibii, muli munda mumutima gwo oba mu bwongo bwo, obela nekikugamba nti "you should not be doing this right now." Nolwensonga eyo,Omwana teyetaga kugamba nti omubulilila. Nebwoba tomubulilidde, bwaba wakuba muntu affitinga mu society, abeela asobola okufitinga.

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora
Posted by Phad - 2007/10/11 19:21

Nemeddwa okumanya wa wotadde base ya argument yo.

Watugambye nti ekitwala abaana ku streets lack of motivation.

Simanyi oba kino wakifubutudde mu Red Pepper,oba wakiwulirako somewhere!Naye nze as always, kye sirinaako bwino sitagala nakyo.

Nze nakuwadde scenarios to back my point.

However,I am failing to understand oba tugenda mu maaso, oba otuzza mabega.

Iam not disputing the fact that Human Intelligence will always rule supreme,but that's a completely different topic altogether.

Would have Loved to go on,but seems we are on 2 different wave lengths,and I will have to back off!

Simanyi oba nze ndaba obubi, but it looks an impulsive debate which I am not ready to engage myself into.

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora
Posted by ericmugisha07 - 2007/10/11 19:33

Ate laaba byozemu nawe... Twatandise nga tuli kukyakubulilila banna. Era nenkugamba nti Omwana teyetaga kubulililwa, as I explained everything in the last post. Atte sitegela wa jowamatuse kugamba nti main debate yabadde yabana bavva wakka... Simanyi oba wantegedde bubi, ekikulu nti nze nsobodde okukuwa points zange kuki ekiliwo. As a fact, gwe kanyini wagambye nokugamba oba wagezezako okutegeza nti you don't think I should be anywhere close to kids because of what I expressed as my views toward okubabulilila. Naye still ekyo tekilina mutawana kuba nze point yange mbadde njilaba bulungi ela nsobodde okujisupportinga nawe nosobola okubakinga off. hehe

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora
Posted by Biikolwa - 2007/10/11 19:48

Nedda Phad - nsaba oleme kiraba otyo. Wabula mu buli nteesa (ate era nsubiira ffena tuteesa buteesi) ezengeri zinno, kituyamba okulaba endowooza zabantu.

EricM yandiba nti ali mukazanyo ka "devil's advocate" mu nsonga zze ezimu.

Wewawo tuzzala mibiiri so simitima, naye nga banakazadde begwanga nandisubiide nti tulina obuvananyizibwa. Nolwekyo okugamba nti abaana tebeetaga kubulilirwa nze mukulaba okwange ndoowooza nti sikyekyigwanidde okolebwa. Obanga agamba nti buli muntu azalibwa namagezi amazale - nolwekyo tekiigasa kusoma bitabo oba kuwuliliza muntu yenna mulala. Nti ate era abo abatagalina tebagwanidde kubalibwa nga abomugaso mu society.

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora
Posted by Kalibattanya - 2007/10/11 20:27

Nze kyennalaba ekiyinza okuyamba omwana okubeera ne balance, bwewabaawo empapula, sente n'obusobozi bwonna

wabeerewo okufuba addengayo eka. Atleast mu buli mwaka, omwezi gumu, atleast, kimuyamba okubeera nemikwano eri nateguya nnyo byeeno, nakutuuka oluusi kuwaba namikwano mibi kubanga bangi tebagala nakukola company nabaddugavu. Ekyo kya mutawana ku ffe abali munsi omutali baddugavu bangi. Oluusi company agifuna kuva ku baana ba bizibu. Naye okudda ngako eka ku mu balancing character.

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora

Posted by Biikolwa - 2007/11/04 20:12

Kalibattanya wrote:

Nze kyennalaba ekiyinza okuyamba omwana okubeera ne balance, bwewabaawo empapula, sente n'obusobozi bwonna wabeerewo okufuba addengayo eka. Atleast mu buli mwaka, omwezi gumu, atleast, kimuyamba okubeera nemikwano eri nateguya nnyo byeeno, nakutuuka oluusi kuwaba namikwano mibi kubanga bangi tebagala nakukola company nabaddugavu. Ekyo kya mutawana ku ffe abali munsi omutali baddugavu bangi. Oluusi company agifuna kuva ku baana ba bizibu. Naye okudda ngako eka ku mu balancing character.

Kitufu awo..

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora

Posted by tonto - 2007/11/05 02:04

Okutegeera ensonga eno obulungi, tulina okumanya engeri Katonda jeyawireringamu omuntu. Wabula sooka otunulire ensolo olabe engeri jezitandikamu obulamu bwaazo. Ensolo endi yomuddo, olugwa kuttaka, ng'etagala enoonya kyakulya. Eba emanyi omuddo gwenerya, era nga egusosola mugwetalya. Ensolo teyetaaga kulagirirwa muddo gwenerya negwetaalya. Mu bulamu bwensolo, teyetaaga kusomesebwa. Ezalibwa byonna ebimanyi (preset), era ng'emanyi nomulabe waayo. Kyekimu n'ebinyonyi. Biba bimanyi enkula y'enju jebinaziimba, era tugambe endegeya, zonna zizimba ekisu kyaazo mungeri yeemu. Tezetaaga training to do so - a type of bonna bagaggawale project.

Omuntu olutonnya kuttaka bwati, from day one, aba yetaaga training. Maama alina okumuyingiza ebbeere mukamwa okumumanyisa okulya. Oba olina okumuyigiriza okutambula, okumuyigiriza awali potty, etc. Obulamu bwomuntu bwonna, buli kyakola yetaaga training. Bible ye user Manual y'obulamu bw'omuntu. Mwemuli training y'omuntu, whether you believe it or not.

Ensolo teyesalirawo, nolweekyo teyetaaga training okusobola okusalawo. Omuntu ateekeddwa okusalawo, okuwereza Katonda oba obutamuwereza (Deutoronomy 30:15-20). Nolwekyo omuntu yetaaga okusomesebwa obulamu bwe bwonna, asobole okusalawo mungeri entuufu mubyonna byakola.

Omwana bwooba tomubulidde nti kino kibi, bwakikola oyinza okumunenya? Omwana ekiyinza okumwanguyira okukola nga tomubulidde, kyekyokukuba banne, olwokuba abantu bonna tuzalibwa n'enneyisa ya Adam ne Eva eya disobedience.

Lwaki omuntu asobola okusomesebwa obulamu bwe bwonna okuva nga yakazalibwa? Olwokuba nti omuntu alina 'hard disk' oba obwongo obutasobola kujjuzibwa. Otuuka kufa bukadde nga obwongo bwo wakakozesaako about 1/10th. Singa omuntu yali wakuwangala obutafa, obwongo bwetulina kati bwandibadde butumala okukozesa ebbanga lyonna, okujjako nga oli mulwadde. Bwandibadde tebwetaaga upgrading. Ssijja kugenda mumitendera obwongo engeri jebukolamu okuyingiza byebusoma ne wwa jebubitereka, era ddi lwebubijjayo nga byetaagibwa. Wabula, ojjukira wewabeeranga nga olina emyaka nga 10? Of course you do. eyo info. wagitereka mu bwongobwo now about 30 years ago.

Kati ndowooza olaba obukulu bwokusomesa omuntu okuva nga mwana omuto. Bwotamusomesa, ajja ye kuyingiza takataka yenna, byonna byalaba munsi muno, era ebyo byagenda okujjukira obulamu bwe bwonna. Katonda yakola abantu nga balina okusomesebwa obulamu bwonna, okumanya ebirungi n'ebibi, olwokuba nti omuntu alina obuvunanyizibwa munsi muno. Buli muntu alina ekyamutondesa. Purpose oba God's will.

Omuntu bwakugamba nti yye talaba mugaso gwakusomesa baana, awo jjukira nti ebinyonyi ebitafanaana tebibuuka wamu. Manya nti naye bwatyo bweyatandika obulamu. Beebo ba gundigundi bosanga nga bakutte emundu nakuyisaamu essassi oba nakuyiira acid nga nokutemya tatemezza. Kuba talina kirala kyamanyi mu situation eyo.

Abaana baffe abali eno ebweru, tubatwaaleko eka buli lwekisoboka, basobole okugaziya obwongo bwaabwe, era bamanye kiki kyebasuubirwa okukola mu mbeera yaffe ey'eka. Embeera y'eka ekyuuka, nolweekyo nabo balina okubeera nga bamanyi ekigenda mumaaso eka.

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora

Posted by Mirembe2007 - 2007/11/05 03:19

Mbalamusiza nnyo bannange, oba nguyite mulembe! kubanga bonna abaana abali ebweru wa Uganda sibabi ngabwetumanyi naddala abalina abaana.Mukama atusasile kubanga bwegutuuka kugwempisa,nolaba ejjano.Ekyokusoka abaana babamanyisa nti tebalina kukubwako era bwewabawo ensonga yonna balina eddembe okuyita abasilikale songa omwana atakangavulwa akula kilelya. Katonda bwakukwatilako nabawuliza amatu nagaggula obwongo nebugaziwa wesunako bwemumalako emyaka ejobutiini ngatalese misango.Ekikulu okukoppa kwekuletedde abaana okubekokola ngabakola ekintabuli nawe woli noffako.Nebwotwalako eka ndabanga era kyodduka kyojja okusanga kubanga nekka ebikopedwa njololo.Abazadde ababeera ebweru bakwatibwa emikono nemimwa olwo omwana nayisawo ebivve,kubanga amanyi nti bwanagenda nawabila bazaddebe bajjakumuwa akabega. Era abasinga besanga bafunye obuzibu mumaso eyo.MUtunulile eka okujjako nga omwana omutadde mukisulo namalako omwaka munsiyaboffe awo oyinza okujjamu omuntu naye sikyankalakalila.Abatono abasuleko obusubi.Naye ekyo tekikujisayo suubi olwebyo abaana byebayitamu nti nawe bolina banakutagaza.Temukoowa kubulilila omuyaga ngagujidde gubayugumya.

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora

Posted by Sefrex - 2007/11/05 15:35

Emugisha wrote:

Let the kids be left to do what they think is right after all, ezenkana nkana nebisikki, tezaaka... Mumaso bwebaba balabye light, nga badayo ewa bazadde babwe nga betonda...

Banange mbalamusizanyo mwena era mwebalenyo okutesa.Okukuza oba okugunjula omwana nze kulwange ndowoza nti gwe mulimu ogusingirayo dala obuzibu omuzade nomukuza gwebasanga mu bulamu bwo mwana okutukira dala lwafuuka oba lwavamu omuntu omukulu eyeyagaza era awesa bazade be ekitibwa,era awatali Katonda kukukwatilako simanyi nti gusoboka. Musome kuka article kano wamanga maybe abalina endowoza endala banakyusamu oba olya`wo.

Omuzzukulu yantemako emikono lwa ffene’

Nalubira ng’alaga emikono gye baamutemako.

bya Frederick Kiwanuka

Nalubira attottola engeri omwana ow’emyaka 9 gye yamusanjaga ebiso n’asimbayo kitooke

BAGAMBA nti, ‘Ssekabwa ke weeyolera, ke kakuluma enteega’, naye ne Benaaleeta Nalubira, yeevuma kazzukulu ke ak’emyaka omwenda ke yayola kyokka akamutuusizza ku bulema obw’obukulu!

Omwana yamutemako omukono ogumu, omulala baagussaamu kyuma kubanga amagumba gonna yagabetenta era Nalubira emagombe yasimbayo kitooke.

Nalubira mutuuze ku kyalo Katooke mu Disitulikiti y’e Nakaseke.

Mukazi wattu eyali yeerlimira emmere, nga yeetuusaako buli kimu, kati kateeyamba atakyalina ky’asobola kwekolera.

Bino byaliwo mu February w’omwaka guno. Anyumya bwati: Simanyi oba omwana yatabuka lwa firimu ez’obukambwe z’abadde alaba mu bibanda oba ffene gwe nnamunenyaako okusiibirira, wabula nnalabira awo ng’atabuse.

Omwana yali amaze ennaku bbiri nga tasula waka. Bwe yakomawo awaka kwe kumubuuza nti ye ggwe atasula waka osulanga wa, era emmere ogirya wa ?

Omwana yanziramu nti, “Ffene si mmere?” Nnali ndowooza bikomye awo, ne mbaka enkumbi ng’enda nsoggole lumonde. Mba ndi mu nnimiro ng’omwana antuuseeko. Nnamubuuza nti, “Nga toleese kakutiya mwe tunaatwalira emmere?”

Yanziramu mangu nti, Okimanyi nti leero ngenda kukutta?” Nnali mbiyita eby’olubalaato kwe kumukanyugira akambe nga bwe mmugamba nti, ‘kaako nzita!’ Yali azze n’ekiso kye nnali sirabye era ng’akikwese mu ssaati.

Omwana yangwako n’antemaatema mu maaso, ku bibegabega, mu bulago. Bwe nnagezaako okussaayo emikono nneetaase nagyo n’agitemaatema. Nnagezaako okudduka nga buteerere. Taba kubeera muvubuka wa bodaboda eyali ayitawo mu kiseera ekyo osanga singa nze mbuyaga ezikunta!”

Owabodaboda ono omwana obwanga gwe yabwolekeza, ate naye n’aduma lulwe ng’alabye ku kiso ekisaabaanye omusaayi.

Ng’eno Nalubira takyategeera, avaamu omusaayi mungi nnyo, musajjamukulu George Matovu muliranwa we ye yamuyoolayoola n’amussa ku kagaali ka ‘wiirubaalo’ n’amuddusa mu ddwaaliro e Kiwoko.

“Yenna yali ajoobaanye omusaayi nga tolina w’omukwata. Nga tosobola kumanya oba ebiwundu biri ku magulu oba ku mikono, omumwa n’okutu byali bisigaddeko kalebwerebwe ,” Matovu bw’agamba.

E Kiwoko ku kitanda, Nalubira yamala wiiki bbiri nga tamanyi biri ku nsi. Omukono ogumu abasawo baagutemako, omulala ne bagussaamu ekyuma.

Nalubira agamba nti wiiki ebbiri ezaasooka abasawo baasaba akakadde ka ssente era baatunda bute bwe bwe yali alundira awaka, n’endala ne ziva mu bazirakisa.

Olw’okulemererwa ebisale by’eddwaaliro ly’e Kiwoko omu ku bawala be yamuggyayo n’amutwala e Nakaseke mu lya gavumenti. Eno yo Nalubira yamalayo emyezi esatu ng’abasawo bamujjanjaba.

Engeri gy’atakyasobola kwekolera mirimu, Nalubira kati abeera mu maka g’omu ku bawala be eyafumbirwa e Kiziba mu Disitulikiti y’e Nakaseke.

“Siridda wange e Katooke. Ye nkoleyo ki? Sikyasobola kwekolera kantu konna, buli kimu bankolera kikolere,” bw’agamba. Muzzukulu ali mu kkomera ly’abaana e Kampiringisa gye baamusiba okumala emyaka esatu.

Nalubira ajjudde ebiwundu ku maaso, ku bibegabega ne mu mugongo, omukono gwe ogwa ddyo yasigaza kikuggu. Okwa kkono yadde gulimu ekyuma tasobola kugusituza wadde akadomola aka liita essatu.

‘Yii, omwana gwe nnayola okuviira ddala nga wa myaka esatu,n’agenda antuusa ku kino!” Nalubira bwe yeewunya. Omwana oyo kati gw’ayita ‘Kalibutemu’ mutabani w’omugenzi Wasswa eyavuganga takisi ku llw’e Luweero.

Kitaawe ye yasooka okufa ne nnyina n’agoberera, abaana abasatu ne basigala nga tewali akumaakuma, jjajjaabwe kwe kubatwala.

Bakulu ba ‘kalibutemu’ bwe baasusuumukamu ,omuwala ne yeefumbiza, omulenzi owokubiri n’ava awaka olwo ‘Katibutemu’ n’asigala yekka ne jjajjaawe. Abadde asoma Katuumu Islamic P/S e Katikamu mu p.6.

“Emikwano emibi gye gyayonoona omwana wattu,” Nalubira bw’agamba.

Published on: Wednesday, 31st October, 2007

==========

Re:Young Ugandan in the diaspora

Posted by JBugonzi - 2007/11/05 18:34

_____

OMULAMWA GUNNO GWANDIBADDE ENGUNJULA Y'ABAANA ABAZALIDWA EBWERU WA UGANDA/DIASPORA.

First of all,I WOULD like to thank all of you who have taken trouble to participate in this Discussion.However,some of you like Mr.Eric Mugisha have a different perception about well bringing/up bringing of our children.

On earth,every one needs directions,and no one can be selfsufficient,whereby,our children once they are born,they need proper guidance in whatever sort of thing they are doing.

A CHILD is very intelligent,they putin and store whatever they learn,good or bad,but if you don't tell a child that this is wrong and thats inappropriate.I will give you a scenario whereby,kid are bain washed;

In northern Uganda and Sierra-leon,kids are abducted and given trainnings which only teach them what their commanders only needs.THey are tought how to kill and torture and there's no any other language they know apart from that language.

So,if the mum is a HOOKER,the children will also fall into her footsteps,if the father uses foul language,children will also use foullanguage.FOR EXAMPLE E UGANDA WALIYO OMWAAMI OMU ALI VERY PROMINENT,ONE DAY HE WAS CALLED AT SCHOOL TO PURNISH HIS SON JUST BECAUSE OMWAANA YAWEMULA ABASOMESSA,NAYE MWAAMI MUKALAZZI BWEYATUUKA KU SOMERO NEBAKUBA PARADE OMUZADDE ABONEREZZE OMWAANA,NAYE EKYAJJA BULI OMU ENVIIRI KU MITWE,YE MUZADDE ONNO OKUKUBA MUTABANIWE NGA BWAMUGAMBA NTI "MWAANA gwe,sakugamba nti ejjiiko ogiyita jiiko,emumbwa ogite emumbwa,embo....ogiyite embo..."kalenno omusajja onno yawemulilra ku parade okwaali abaana abatto abali Innocent.

kale mwaami Mugisha sebbo,omwaana bwakulaba nga okuba maama we,gwe omusubira kukolaki nga awasizza?? ATI ERA NGA BWEBAGAMBA NTI,ENYONYI ENKULU YEYIGIRIZA ENTO OKUBUUKA, Gwe ababo baleke ensi ebatwaale gyeyagala osanga MUKAMA ALIZZA BIBYE. BUT MY ONLY ADVICE IS,DO NOT BE SELFISH,GIVE YOUR CHILDREN WHAT THEY DESERVE AND WHEN THEY BECOME RESPOSIBLE CITIZENS,THAT WILL BE YOUR PRIDE AS A PARENT.

ERIC MUGISHA,YOUR FIRST NAME ERIC WAS GIVEN TO YOU BY YOUR FATHER BECAUSE HE WANTED YOU TO BE A GOD FEARING ANIMAL.

GOD BLESS THIS FORUM

==========